
**LUGANDA – *"Who will deliver me?'***

# ANI ANANNUNULA?

Olwa ssande lumu bwe nnali nga mbuulira enjiri ey'ekitalo mu kyalo ky'Omwami ow'omuluka omu mu Lesotho, ekibiina ekinene ng'omwo mwe mwali Omwami oyo ne mukyala we, bajja okuwuliriza ekigambo kya Katonda. Ekigambo kya Katonda ekiramu era ekyogi okusinga ekitala kyonna eky'obwogi obubiri ne kifumita wala mu mitima gy'abantu.

Bwe nnali nga nkyabuulira, omukyala w'Omwami n'atandika okukaaba. Ng'amaziga bwe gakulukuta ku matama ge, yasituka mu kifo kye era n'atema omulanga n'ebigambo bino nti, "Ani anannunula? Bannange munnyambe, omutima gwange gufumitiddwa nnyo, ndi munaku era omwereeere. Ani anannyamba? Ani anannunula okuva mu busibe bw'ekibi? Nkole ntya nze? Mwenna mumanyi nga nze mukyala w'Omwami era omu ku bakyala abasaba ennyo.

Okumala emyaka amakumi abiri, mbadde mu kkanisa naye ssirina kye nfunyeeyo, ssisumululwanga kubanga nkyasibiddwa ekibi. Ndi mutamiivu era omutemu. Emikono gyange gijjudde obubi kubanga nneetaba mu



kuyiisa omwenge – eky'okunywa ekyakolimirwa. Ekibi kinsibye emikono n'amagulu nsibiddwa mu ggeyeena.

Yayongera okukaaba ennyo mu ddoboozi ery'omwanguka nga bw'ayogera bw'ati. "Mujje munnyambe, mujje munnyambe. Ani anansumulula? Ani oyo? Ekibi kinfuga era kimpalula okuntwala mu ggeyeena. Omwana wange omubereberye nnamutta bwe nnali nga mmusibye mu mugongo ne mmugwiira n'omutwe gwe ne gubetentebwa ku ttaka – olw'ettamiiro. Bannange munnyambe, munsumulule okuva mu kufa. Empisa zaffe ez'ekinnansi tezinnyamba. Eddini yange nayo tennyamba. Ani anannyamba? Ani anannunula?"

Olwo nange ne nziramu bwe nti, "Totya so toggwaamu maanyi. Omutawaana gwo gwa buli omu. **Naye Bayibuli kye ky'okuddamu eri okukaaba kw'omutima gwo. Bayibuli egamba nti obulamu bwaffe bufugibwa kibi naye tewali anambeera.**"

"Mmanyi nga tewali bulungi bwonna mu nze, nnazaalibwa mu kibi. Nnettanira okukola obulungi naye nnesanga nga nnemwa. Ebyo bye nkola si bye bisaanidde, nedda, ebibi bye ssaagala kukola ate ebyo bye nkola... olwo ne nnesanga nga ngudde mu kibi ky'etteeka lino. Bwe njagala okukola obulungi, ekibi nakyo kiba mu nze. Mu mutima gwange, nsanyukira ebiragiro bya Katonda, kyokka ate ndabira awo ebiragiro ebirala nga bikola mu bitundu by'omubiri gwange nga bilwanyisa ebiragiro by'emmeeme yange, olwo nno ne ndyoka nsibibwa etteeka ly'ekibi mu mubiri gwange. (Barrumi 7:15-20).

Kikkirize oba kigaane naye nkutegeeza nti buli mutima gwa muntu gulikaaba bwe guti nti: Nze omuntu omwonoonyi! Ani Anannunula?

*Omwana bw'alibafuula ab'eddembe muliba ba ddembe ddala. (Yokaana 8:36).*

Yesu kye ky'okuddamu eri buli bibuuzo byaffe byonna era kye ky'okuddamu gy'oli ggwe. So tewali mu mulala bulokozi kubanga tewal linnya ddala wansi w'eggulu ery'aweebwa abantu eritugwaanira okutulokola. (Ebik. 4:12). Yesu yekka y'ayinza okutulokola okuva mu bibi byaffe. Omusaayi gwa Yesu ogwayiika ku musaalaba gwe gwokka oguyinza okutunaazako ebibi byaffe byonna.

Tewali musawo, oba eddagala, oba omusamize, oba omuntu obuntu, oba omubuulizi oba kabona yadde ekkanisa eyinza okukulokola okuva mu kibi. Yesu omwana gw'endiga, ye yekka aggyawo ebibi by'ensi, ayinza okukulokola n'omusaayi gwe wamu n'amaanyi g'Omwoyo gwe.

Yesu Omwana wa Katonda yajja mu nsi muno "Okuzibula amaaso g'abazibe b'amaaso, okuggya abasibe mu bunnya, n'abo abatuula mu kizikiza mu nnyumba ey'ekkomera." (Is. 42:7). Yesu yagamba nti, "Buli muntu yenna akola ekibl ye muddu w'ekibi. Kale Omwana bwalibafuula ab'eddembe, muliba ba ddembe ddala. (Yok. 8:34-36).

Yesu Omwana wa Katonda yeetikka ebibi byaffe ye bwe yali ku musaalaba. Ebibi byo byonna byakomererwa ku musaalaba. "Mazima yeetikka obuyinike bwaffe n'asitula ennaku zaffe. Naye Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe; okubonerezebwa ekw'emirembe gyaffe kwali ku ye, era emiggo gye gye gituwonya." (Is. 53:6).

**NNEEBAZA KATONDA NGA MPITA MU YESU KRISTO**




*Omwana bw'alibafuula ab'eddembe muliba ba ddembe ddala. (Yokaana 8:36).*

Balaba yali mwonooyi era omutemu kayingo eyali asaliddwa ogw'okufa. Yali wa kukomererwa ku musaalaba naye Yesu yatwala ekifo kye era ne yeetikka omusaalaba okwandifiiridde Balaba. Yesu Omwana wa Katonda ye n'attibwa mu kifo kya Balaba, mu kifo kyo, era ne mu kifo kyange, omutemu ye n'ateebwa kubanga Yesu yali afudde mu kifo kye. Ggwe nange, ffe ba Balaba.

Empeera y'ekibi kwe kufa naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu

obutaggwaawo mu Yesu Kristo. Bw'otunuulira omusaalaba gwa Yesu n'okukkiriza, weraba ggwe kennyini n'ebibi byo nga bikomereddwa ku musaalaba, ggwe osobole okuba omulamu emirembe gyonna. Yayiwa omussayi gwe osobole okunaazibwako ebibi. Katonda bwatyo bwe yakwagala n'okuwaayo nawaayo Omwana we omu yekka ggwe oleme okubula naye obeere n'obulamu obutaggwaawo.

Omukyala w'omwami bwe yamala okuwulira ebigambo bino, n'akkiriza Yesu mu bujjuvu era n'awaayo omutima gwe eri oyo eyamufiirira ku musaalaba naayiwa omusaayi gwe ogw'omuwendo omungi okunaaliza ddala omutima gwe okuva mu bibi byonna. Yawaayo omutima gwe omubi eri Katonda era naye naamuwa omutima omuggya ogujjudde Omwoyo Omutukuvu. Katonda teyamusonyiwa byonoono bye byokka naye yamununulira ddala okuva mu maanyi n'obufuge bw'ekibi. Okuviira ddala mu kiseera ekyo, yatandika okubeera mu bulamu obulungi obujjudde obuwanguzi n'obutukuvu. Tanywa mwenge newakubadde okufuweeta taaba newakubadde okunuusa obugolo. Obulamu bwe butukuvu era ye mujulirwa eri amazima gano nti omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, abeera kitonde kiggya, "Eby'edda nga biweddewo laba nga bifuuse biggya." (2 Bak. 5:17).

Naawe ggwe asoma bino, oyinza okuweebwa eddembe ng'oyita mu kukkiriza Yesu Kristo. Yesu yagamba nti, "Mujje gyendi mmwe mwenna abakooye era abazitowereddwa nange nnaabawummuza." Jjangu n'ebyonoono byo wamu n'ebizibu byo byonna. Tajja kukugoba bw'onojja gyali n'obwetowaaze, ng'okkiriza n'omutima ogumenyese. Mpozzi oli mmemba omukuukutivu mu kkanisa naye ate ng'osibiddwa n'enjegere z'ekibi. Jjangu eri Yesu era naye anaakuwa eddembe ery'embagirawo mu ngeri yemu gye yawonyaamu omugenge oba omuzibe w'amaaso. Yesu tajjulukuka era awonya ab'emitima egimenyese era awa abasibe eddembe. Asonyiwa ebyonoono byaffe byonna era awonya endwadde zaffe zonna. (Zab. 103:3).

---

If you have found salvation in Christ, or have been otherwise blessed through our Gospel literature, please let us know. We would like to thank God with you, and remember you further in our prayers. **Our Heart of Man Book can now be downloaded in 480 different languages onto cell phones, tablets, etc from our website www.angp-hb.co.za.**

For **free** Gospel literature, books and tracts in over 540 languages, write to:

**E-MAIL: info@angp.co.za**

**ALL NATIONS GOSPEL PUBLISHERS**

**P.O. Box 2191, PRETORIA, 0001, R.S.A.**

(A Gospel Literature Mission financed by donations)

(Reg. No. 1961/001798/08)